MASAKA DIOCESE

OFFICE OF THE BISHOP

Bishop's House, P. O. BOX 70, Masaka, Uganda (East Africa)

24 November 2024

Abasaserdooti, Bannaddiini, n'Abakristu obukristu,

Abooluganda,

OKULANGIRIRA SINODI VI EY'ESSAZA LY'E MASAKA

Emirembe gya Mukama waffe Yezu Kristu gibeere nammwe!

Sinodi y'Essaza kintu kikulu nnyo mu bulamu bw'Essaza ng'eyambako Omwepiskoopi olw'obulungi bw'Essaza lyonna (Can. 460). Lwe lukiiko olw'enjawulo Omwepiskoopi, Abasaserdooti, Bannaddiini n'Abakristu Obukristu okuva wonna mu Ssaza, ffenna wamu mu mutima ogw'essaala, mwe tussiza awamu ebirowoozo okuzuula kiki Katonda ky'asaba Eklezia mu Ssaza lyaffe, ekinaatuyamba okutuusa obulungi obutume bwa Kristu. Kiseera kya kukubaganya birowoozo nga tulambikibwa Mwoyo Mutuukirivu, tutemere wamu empenda ez'okusobozesa Essaza lyaffe okutambula obulungi okusingawo. Mu ngeri eno Abakristu baba bakozesa eddembe lyabwe n'obuvunaanyizibwa bwabwe ng'Abakristu, okuzimba Omubiri gwa Kristu (Can. 208), okwenyigira mu kukula gw'Eklezia (Can. 210), okuggyayo ebyetaago byabwe mu by'omwoyo (Can. 212 §2), n'okuwa endowooza zaabwe ku bidda ku lw'obulungi bw'Eklezia (Can. 212 §3).

Essaza lyaffe lyakatuuza Sinodi ttaano, era tuzeenyumirizaamu nnyo zonna olw'ebibala entoko ebizivuddemu. Muteerebirwa Bishop Adriane K. Ddungu ye yatuuza Sinodi eyasooka mu Augusto 1974. Era ye yatuuza ne Sinodi essatu ezaddirira: eyatuula mu Augusto 1981, eyatuula mu Augusto 1986, n'eyatuula mu Augusto 1993. Ate mu Augusto 2003, muteerabirwa Bishop John Baptist Kaggwa n'atuuza Sinodi V n'omulamwa: *Beera Mujulizi wa Kristu Wonna*. Eyo mwe tutambulidde okutuuka kampegaano. Ekiseera kiwanvu ddala ekiyisewo era mu bbanga eryo bingi ebigenze bikyuka mu Eklezia ne mu nsi okutwaliza awamu. Ekiseera ggwe wamma kituuse tutuuze Sinodi endala (Can. 461 §1).

Awo nno, nnangirira omwaka 2025 ng'omwaka ogw'okutuuza Sinodi VI ey'Essaza lyaffe Masaka n'ekiruubirirwa eky'***Okubeera Eklezia Annyikidde Evanjiri era Agirangirira, Atambulira Awamu era Eyeeyimirizaawo nga Tusimbye mu Katabi*** (*To Be an Evangelized and Evangelizing Church, United, Co-Ordinated and Self-Reliant Based at the Basic Christian Community*). Entuula ziritandika mu butongole nga 5/3/2025 ate ebiriba biyisiddwa birangirirwe ku Lunaku lw'Essaza nga 23/11/2025. Pastoral Coordinator, Fr. James Ssendege, tumukwasizza okukulembera akakiiko ka Sinodi VI.

Omulimu guno gwe tutandika tugukwasa Nnyaffe Biikira Maria Anyoleddwa, omuwolereza w'Essaza lyaffe.

+Serverus Jjumba
Omusumba w'Essaza ly'e Masaka